

MID TERM I EXAMINATIONS 2026
LUGANDA S. 3
OBUDDE: ESSAAWA BBIRI N'EKITUNDU

Ddamu nga bw'olagiddwa
Ekitundu A kya buwaze

1. Kitaawo aguze olupapula lw'amawulire n'asangamu akatundu kano. Omu ku banywanyi be ataasoma kugenda wala amubbiddeko nti koogera ku byabulambizi era ayagala okutegeera obubaka obukalimu kuba ebyobulambuzi abyagala nnyo. Eky'ennaku Olungereza talutegerra bulungi. Muyambe okamuddize mu Luganda asobole okukategeera

Uganda, Africa's tourism hub

Uganda is among the top ten countries known for their rich tourist attractions. Uganda's variety of natural resources range from diverse wildlife, forests, mountains, water bodies and wetlands that support not only wildlife but also bird sanctuaries and human populations.

A number of Uganda's people live alongside these tourism features. They have preserved their cultural diversity as well as nature herself has, so that Uganda is now popularly known as a great tourist attraction at the heart of the African continent.

Uganda receives foreign tourists who come to enjoy viewing these attractions at a fee charged by the Tourism Board. Ugandans are encouraged to take part in indigenous tourism by charging them a subsidized fee. Despite this consideration, Ugandans still shy away from enjoying the sites of their God-given natural tourism attractions even in this the twenty - first century.

2. Soma ekitundu kino wammanga n'oluvannyuma oddemu ebibuuzo ebikuweereddwa ku nkomerero yaakyo.

OMUKULEMBEZE ATALIVA KU MIMWA GY'ABANTU

Ku kyalo Kiryamenvu kwaliko ssentebe eyakulemba abatuuze mu kusooka nabo ne batuuka n'okusiima Ddunda olw'ekirabo kye yabawa. Wabula gye byakkira nga bamuwanda lulusu. Omwami ono ye Kawadwa eyayatiikirira ennyo olw'enkulemba ennungi, anti yakolanga eby'enjawulo nga tebitera kusangibwa mu bitundu birala. Abantu bangi beekulumululanga ne bajja ne basenga ku Kiryamenvu. Ekyo kyanyizanga bassentebe abatuuze gye baavanga, nga balaba abalonzi baabwe babavuddeko.

Buli Lwamukaaga olusemba mu mwezi, ssentebe yatuuzanga olukiiko ku ssaawa mwenda ez'olweggulo, asobole okufuna amawulire agali ku kyalo kye kyonna. Bwe waabanganga obuzibu bwonna, yakozesanga omukisa guno n'abugonjoola era abatuuze ne baddayo nga buli omu omutima gumuzze mu nteeko. Mu nkiiiko zino, ssentebe yategeezanga abantu be nti, "Mujjukire olugero olugamba nti Oluganda kulya, olugenda enjala terudda." Wano yabafunirangayo ekyokulya n'ekyokunywa okuva mu ndyanga ye. Bangi baawulirwanga nga beebuuza nti "Eee naye omusajja ono ssente ezikola bino azifuna atya? Oluvannyuma beddangamu nti, "Ssentebe mukozi ate mugabi kw'ossa n'okwagala abantu be. Yayingira mu bukulembeze bw'ekyalo kukulembera so si kufuna nsimbi."

Okimanyi nti ssentebe yasesa nnyo abantu be anti nga bw'aba mu nkiiiko abuuza abantu nti "muli matiivu?" Kino yakiggyanga mu kigambo bamativu, olwo mbu ye aba akitadde mu Lungereza era kyasesanga abatuuze. Bwe yamaliziranga ennyombo eyo, n'akubiriza abazadde okuweerera abaana. Yabalaganga nti kyamugaso nnyo nti era ye singa yalaba ku mbaawo yandibadde wala nnyo. Newankubadde ye teyalaba wadde ku lubawo olumu ssentebe yakunganga abazadde okutwala abaana mu masomero. Kino yakikola ng'ayagala okulwanyisa obutamanya mu kitundu n'eggwangwa okutwaliza awamu. Baasalawo okulonda akakiiko akalondoola abaana abali mu kitundu. Abo abatasoma baatwalibwanga mu mbuga z'amateeka. Kino kyayongeraga okukakasa abatuuze nti ddala Kawadwa abagaliza ebirungi mu kitundu.

Yakubirizanga abantu okukola ennyo basobole okufuna akadda eri omumwa, wamu n'okussa mu ndyanga. Yabagambanga lunye nti, "Bannange tukole nnyo, tufune akantu mu nsawo. Abantu baatuukanga ne mu biseera by'okusiga nga tebalina nsigo. Olwo ng'ayita ekyalo, nga babasondera. Yabakuutiranga nti, agenda kubalondoola okulaba nga basiga mu budde omulundi oguddako, nabo babe nga balina. Bwe kyatuukanga ku budde bw'okukoleramu, ne bamala bamugamba nti, gundi akeera kutayaaya oba kwekamirira nkangaali, ng'oyo ajja kumuyitira kkooti y'ekyalo emuwe ekibonerezo.

Bino byonna byagenda bukwakku mu myaka ebiri egyasooka, mu kisanja kye. Wabula mu mwaka ogwokusatu, ssentebe yeefuulira mu kiti ng'embazzi. Yatandika okukola ebintu nga toyinza kulowooza nti ye mwami Kawadwa, ekyalo gwe kyatendanga. Yatandiikiriza mpola okwefunza woofisi y'ekyalo. Yatandikirira ku sitampu y'ekyalo, nga tekyamuva mu mpale. Yazzaako kwegobako abaakakiiko bonna, n'alekako muwandiisi. Ndowooza ensonga eyawonya omuwandiisi naawe osobola okugiteebereza.

Mu kwagala okwongeraga okwefunza ekyalo, yatandikawo ne leediyo ye, gye yatuuma Leediyo Kiryamenvu. Kuno kwe yasinziiranga n'akolokota buli amuvuganya. Munnange nno tolowooza nti nkugamba Leediyo zino eza FM z'ossaako buli w'oyagalidde, wamu n'okukendeeza eddoboozi nga bw'oyagala! Nedda, eno eya Kawadwa y'emu ku zino eziwanikirwa ebizindaalo bya mukalakaasa ku miti gy'amasannyalaze waggulu, ne bireekaanira ebyalo n'ebyalo. Ku leediyo eno, bwe wabanga towagira Kawadwa nga tosobola kulinnyako, ne bwe wabeeranga n'ekyenkulaakulana kye walinga oyagala okwogerako.

Olowooza nno ssentebe yakoma ku kireediyo kyokka? Nedda! Yeefuulanga omukuumi w'ekyalo, era ng'ekiro agomoka okukamala. Ekyewuunyisa, ababbi tebaggwanga ku kyalo! Abatuuze baamugwamu luvanyuma nti, yasulanga wa mukyala bbeereddene bbaawe

Iw'atabangayo. Kino kyamuvirako okusuulirira amaka n'obutafuna budde kugenda kukola mirimu. Okukakkana ng'abaana be tebakyasoma, n'ebikozesebwa awaka nga bya kuwamma buwammi!

Olw'okwagala okuddamu okufunayo ku jjamba, Kawadwa yatandika okwenyigira mu mivuyo gy'ettaka ku Kiryamenvu n'ebyalo ebiriraanyeevo. Ettaka ng'alitunda emirundi ebiri, eddala ng'atunda lya mpewo. Ky'ataakola nga tekiriiyo! Gye byakkira, ng'ekyalo kimukyaye era nga tewakyali mutuuze ayagala kuwulira ku linnya lya Kawadwa.

Ebibuuzo:

(a) Mukwano gwo yaakalondebwa ku bukulembeze bw'ekyalo. Kyokka mweraliikirivu olw'obutabeera na bukugu bwa kukulembera kyalo. Azze gy'oli okwebuuzako omuwe ku magezi. Weesigame ku kitundu ky'osomeye omuyambe.

(b) Mulirwaana wammwe yafuuka mukulembeze wa kyalo, naye amaka ge gatandiikiriza okufaanaganako n'aga Kawadwa. Weesigame ku kitundu ky'osomeye olabule muliraanwa wammwe ku buzibu obiyinza okutuuka ku makaage, singa takyusaamu.

c) Mukwano gwammwe atandiseewo Leediyo y'oku kyalo. Azze gy'oli okwebuuzako ku ngeri gy'ayinza okuddukanyaamu Leediyo eyo obulungi n'eganyula ekyalo ate naye n'agifunamu.

Nga weesigama ku kitundu kyosomeye muddemu ky'akusabye.

(d) Olukiiko lw'ekyalo Kiryamenvu lutudde era Ssentebe Kawadwa agobeddwa olw'emivuyo gy'ettaka. Olondeddwa okubeera Ssentebe ow'ekiseera.

Nga weesigama ku kitundu ky'osomeye, nyonnyola engeri gy'ogenda okukola ku nsonga ezigobesezza Kawadwa.

EKITUNDU B

Kola 3 oba 4.

3. Gye buvuddeko ekitongole ekivunaanyizibwa ku kuteekerateekera ebibuga kyayanja enteekateeka yaakyo ey'okuggyawo ekimu kubifo by'obulambuzi ebyenno mbu kizimbewo wooteeri ggaggadde enaalabisa obulungi ekibuga. Kino no kyaleetera abantu bangi okukisimbira ekuuli nga bagamba ebifo by'obulambuzi bikulu nnyo tebirina kwonoonebwa bityo.

Ekyokukola

Ggwe omu ku bawagira ebifo bino okusigalawo. Wandikira minisita avunaanyizibwa ku bibuga omubuulire ensonga lwaki asaanye okukyusa mu ndiwooza ye ekifo kino akireke.

Oba

4. Ku kyalo kwobeera kuliko omukyala omu eyakubye omwana wa baba emiggo okukkakkana ng'afudde. Eggulire lino lyanaamirizza ensi era owulira waalyagadde okuliwandiika mu lupapula abantu balyesomereko. Laga Eggulire very nga bwe linaafaanana ng'olimaze.

Bikomye wano